# Ebivaako omubiri okwesamba eddagala

Bya HUZAIMA KAWEESA

ABANTU bangi basanze obuzibu n'emibiri gyabwe okugaana okuwulira eddagala nga kino kiva ku bintu eby'enjawulo nga oluusi ebeera nneeyisa yaabwe naddala obutagondera biragiro by'abasawo ekivaako omubiri okuguba n'obulwadde okukona kw'ossa embeera endala ezitali zimu.

Dr. Frank Kalyango, akulira okunoonyereza n'endwadde ezitasiigibwa ku disitulikiti e Wakiso agamba nti, okunoonyereza kulaga nti, abantu bangi batandise okufuna obulwadde obutawulira ddagala nga kino kyongedde ku bulabe eri obulamu bwabwe.

Bw'otunuulira ekizibu ky'omubiri okugaana okuwulira eddagala, kisobola okuva ku mpisa z'omuntu ate oluusi ne kiva ne ku mpisa ey'ekitundu omuntu mw'abeera.



Omusawo (ku ddyo) ng'annyonnyola abalwadde abeetaba mu lusiisira lw'ebyobulamu e Butabika, enkozesa y'eddagala entuufu.

### ENNEEYISA Y'OMUNTU EGAANA OMUBIRI OKUWULIRA EDDAGALA

1 Okumira obubi eddagala erikuweereddwa: Wano abantu bakolerawo nnyo ensobi nga singa aweebwa eddagala mu ddwaaliro okugeza empeke ezijjanjaba omusujja gw'ensiri n'atandika okulimira, bw'awulira ng'atereddemu ng'alivaako. Kino kyabulabe kuba obuwuka bubeera tebunnaggwa mu mubiri era butuuka ekiseera ne bwalula obulwadde ne buttuka.

2 Okumira eddagala ekkyamu ku bulwadde: Waliwo abantu abaweebwa eddagala ekkyamu ku ndwadde ze babeera bafunye nga kino kiyinza okuva ku musawo okubulwa obukugu mu kuzuula ekiruma omulwadde. Singa omuntu aweebwa eddagala eritali lya bulwadde bw'alina, kivaako obulwadde obwo okukona ne butawulira ddagala eryo kubanga si lye libeera lirina okubujjanjaba.

3 Omutendera obulwadde kwe bubeera: Buli omuntu lw'afuna obulwadde bwonna n'abugayaalirira ne busajjuka kibeera kyetaagisa okuweebwa obujjanjabi obw'amaanyi ddala. Okugeza singa omuntu alwala omusujja, bwe gubeera gukyali mutono gusobola okujjanjabibwa n'empeke ne guwona, kyokka singa gusajjuka abeera alina kuweebwa mpiso.

Omulwadde bw'atuuka mu mbeera eyeetaaga empiso ate n'aweebwa amakerenda, kikonya obulwadde ne bugaana okuwulira eddagala eryo era tawona.

4 Okukozesa ebiragalalagala mu bisolo n'ebinyonyi : Waliwo eddagala eritta obuwuka erya 'antibiotics' nga lino abalunzi batera okulikuba ebisolo n'ebinyonyi bikule mangu. Kyokka erimu ku ddagala lino lya bulabe mu bantu era singa omuntu alya ennyama eyo esobola okugubya omubiri gw'omuntu n'ataddamu kuliwulira.

Singa eddagala lino litta ekisolo, bwe kivunda enkuba n'etonnya amazzi ne geegatta mu g'abantu ne baganywa bafuna obuwuka buno obubeera buva mu bulwadde obwagubye olwo nabo ne bafuna ekizibu kino nga ne bwe bamira eddagala omubiri teguliwulira.

5 Okwejjanjaba: Abantu bangi bafunamu enkenyera mu mubiri ne basalawo okufuna eddagala lye bamira nga tewali mukugu gwe beebuuzizzaako. Kino kyabulabe nnyo kubanga oluusi omuntu asobola okumira eddagala nga omubiri si mulwadde nga gukooye bukooyi ne kiguleetera okuguba.

6 Bye tulya : Buli lwe tulya ebintu ebirimu eddagala oluusi erimu libaamu obutwa nga buno bukosa omubiri. Ebimera oluusi bibeera n'eddagala eritta obuwuka eriyitibwa 'fungicides' nga lino abalimi batera okubiteeka ku birime bireme kwonooneka mangu ekireeta obutwa eri abiridde olwo omubiri ne gukona nga tegukyawulira ddagala. Kino kibeera kye kimu ne ku ddagala eriteekebwa ku birime bikule mangu.

7 Okufuuyira omuddo: Buli lwe tufuuyira omuddo eddagala lino libeera n'ekiyitibwa 'Biomagnification' nga kino kibeera kiva ku mukka oguva mu ddagala erifuuyirwa omuddo. Singa eddagala lino ligenda mu mubiri lifuuka obutwa ne ligubya omubiri ne gugaana okuwulira eddagala.

### OBULABE OBUVA MU KUMIRA OBUBI EDDAGALA

- Obulwadde bukula: Buli lw'okozesa obubi eddagala omubiri gutuuka ne gunafuwa nga tegukwatagana na ddagala eryo ekiyinza n'okuvaako okufa.
- Obulwadde oyongera okubusaasaanya : Obulwadde obubeera bugaanyi okuwulira eddagala bubeera bubi era singa obusiiga omuntu omulala, naye abonaabona okubujjanjaba.

## By'okola obulwadde obutakonera mu mubiri na kwesamba ddagala

- Okumira eddagala ettuufu mu budde : Abantu bangi bawuliramu enkenyera ne baagala bejjanjabe ekibaviiramu okumira eddagala ekkyamu erikonya obulwadde.
- Okusooka okukebera obulwadde okumanya ekituufu ekikuluma: Abantu abamu balwala kyokka mu kifo ky'okugenda mu malwaliro babakebere bagenda mu bulwaliro obutakebera. Kino kivaako okuweebwa eddagala ekkyamu ekibukonya.
- Okwewala okumira eddagala ery'amaanyi okusukka ku bulwadde bw'olina : Ebifo ebimu naddala mu bulwaliro obutonotono, bamanyi okugaba eddagala ery'amaanyi n'ekigendererwa eky'okukuba amangu obulwadde babatende okukola. Kino kibeera kya bulabe kubanga omubiri bwe gumanyiira eddagala ery'amaanyi gubeera tegukyawulira bika bya ddagala birala.
- Omuntu okukozesa omubiri n'okulya ennyo eby'obutonde : Buli muntu lw'alya ebintu eby'obutonde abeera akendeezeza ebintu ebikolerere mu mubiri nga kino kiyambako obusimu okukola obulungi nga omubiri ne bw'oba ogwadde eddagala guliwulira.
- Okukomya okumala gateeka ku birime n'okukuba ennyo ebisolo eddagala : Kino kijja kuyambako okukendeeza ku butwa obutambulira mu bino kubanga bubeera bugubya omubiri.
- Okwerabirira : Abantu balina okufaayo ku mibiri gyabwe kubanga buli omubiri lwe guguba nga tegukyawulira ddagala gubeera gugenda kufuuka kyabulabe gy'oli ekiyinza n'okuvaako okufa nga babuliddwa eddagala erikuwonya

Dr. Kalyango asabye abantu okumanya nti, eddagala butwa nga likuwonya singa olikozesezza bulungi ng'omusawo bw'aba akulagidde, oba okukufuukira ery'obulabe ng'olikozesezza bubi.



Dr. Frank Kalyango

## Abantu kye bagamba



**Kenneth Luyima; Abantu bonna basaana bagoberere ebiragiro by'abasawo mu kufuna obujjanjabi kibayambeko okuwona obulungi okusinga okumira obubi eddagala ne likola obutwa.**



**Robert Muteesasira Lubowa; Abantu balina okufaayo okugoberera ebiragiro by'abasawo era bamire bulungi eddagala eriba libaweereddwa liggweeyo olwo lwe bajja okuwonera ddala.**



**Edrine Ssenkubba; Abantu bwe balwala balina okufaayo okugoberera ebiragiro by'abasawo basobole okuwona obulungi endwadde zonna ze baba balina okwewala okukonya obulwadde.**